



كيفية صلاة النبي صلى الله عليه وسلم

سماحة الشيخ عبد الله بن عبد العزيز بن باز رحمه الله

قام بترجمته إلى الأوغندية

الدكتور حسين محمد بوا

ENNAMULA Y'EDDOGO N'OKULAGULA
MUBUSIRAMU N'EBIBYEKUSAAKO

Kyawandiikibwa

Sheikh Abudallah ibn Abdul Aziz Ibn Baz

Kyavvunulwa

Dr. Hussein Muhammad Bowa

طبع على نفقة وصية خولة دخيل الجسار رحمها الله (دولة الكويت) بإشراف اتحاد علماء إفريقيا
Kifulumiziddwa Nga kisasulidwa okuwaayo Okwali mu Kiraamo ky'Omugenzi
Khaula Dakhil al-Jassar Allah amusaasire. (Kuwait) Nga kirabirirwa (Ekibiina
Ky'abamanyi ba Africa Abasiraamu) .

2016/1437

Enyanjula y'omuvvunnuzi تقدیم المترجم

Amatendo gonna amalungi ga Allah (SW) Nannyini buyinza, oyo atenderezebwa nabuli kitendo kyonna ekyekitibwa, era Emikisa n'okusaasira byonna bibeere ku wekitiibwa Nnabbi waffe Muhammad (SAW) oyo nanyini kuleeta Ddini eno ey'Obusiramu era nagiyigiriza abagoberezi be, era natuuka okuva munsi nga agitangazizza eri buli omu. Allah amusaasire era amusasule ebirungi bingi nnyo awamu n'Abo bona abamuddira mu bigere okusaasanya eddini, n'Abagoberezi be okutusiza ddala ku lunaku lwenkomerero.

abantu bangi mu Uganda ne munsi abagwa mu kinywi kyabasiraamu bagenze banoonya ebyenfunu mu buli ngeri yonna naddala mu kujjanjaba abantu nga bakozesa kyebayita **Ruqya** oluusi ezibeera entuufu n'endala nga sintuufu, n'abasiramu abalala batuuka okukozesa Eddogo obulaguzi mu kujjanjaba abantu, awatali kufaayo oba kino kituufu mu Busiraamu obanedda.

Ekitabo kino ekyawandikibwa Mukadde waffe Sheikh Abdallah bin abdul-aziiz bin Baz nga kikwata ku ngeri Obusiraamu gyebulamulamu Eddogo, Okulagula n'ebirara ebyekuusa kwebyo, yakiwandiika mu Lulimi Luwalabu, kale naffe olw'okwagala okutuusa ebikirimu ku bantu bona twasazeewo tu kivvunnule mululimi olwaffe oluganda oba oli awo abakisoma nebawera era nebaganyulwa nakyo.

Tusaba Omuronzi Allah atuteeremu omukisa, asobozese n'abasiraamu okukiganyulwamu, n'okubeewaza buli kyonna ekiri haraamu. Ameen.

Omuvvunnuzi

Dr. Hussein Muhammad Bowa

Bismi LLahi al-Rahman al-Rahiim

ENNAMULA Y'EDDOGO N'OKULAGULA MUBUSIRAMU N'EBIBYEKUSAAKO

Amatendo amalungi gonna ga Allah ow'ekitibwa yekka, okusaasira n'emirembe bibeere ku Nnabbi waffe Muhammad (SAW) oyo atalina Nabbi mulala yenna eyamugoberera oluvannyuma lwe. N'oluvannyuma lw'ebyo.

Okusinziira kubungi bw'abalogo abakyase ensangi zino abo abeeyita abasawo era nebjajanjaba abantu nga bakozesa eddogo n'okulagula n'engeri gyebagenze basaanamu munsi ezitali zimu, n'okukwenyakwenya abantu abatalina kufumitiriza naddala abo abatalina kyebamanyi mu Busiraamu, nkirabye nti nga mpita

mungeri y'okubuulirira ku lwa (Lillah) n'okubuulirira abaddube mbeere nga ntangaaza akabi akanene akoolekedde Obusiraamu n'Abasiraamu ol'wembeera eri mwekyo efuula omuntu okwesigamira atali Allah n'okwawukana kubiragiro bye, n'ekubiragiro by'omubakawe (SAW).

Wano wengambira nga nesigamidde ku Allah ow'ekitibwa nti: Okwejjanjaba kukkirizibwa mu Busiraamu awatali kutankana mukyo, era Omusiraamu wadddembe okugenda eri Omusawo yenna k'abeera wandwadde ez'omunda oba ezokungulu nga ebiwundu oba zamumisiwa oba endwadde endala zonna omusawo asobole okumwekebejja era omujjanjabe nga akozesza eddagala erisanidde erikwatagana n'obulwadde bwe era erikkirizibwa mu mateeka g'Obusiraamu okusinzira kwekyo kyamanyi mu bukenkufu bw'ebenzijanjabo, olwokubanga kino kiri mu Kkubo ly'okwekwata ku nsonga ezabulijjo era nga kino tekijjawo kwesigamira ku Allah, Ye Allah yassa endwadde nassa n'eddagala elyabuli ndwadde, abantu abamu balimanya ate abalala nebatalimanya, naye ate ye Allah ow'ekitibwa teyassa bujanjabi bwa Baddube mwebyo byeyabaziyiza ebiri Haramu.

Kale tekikkirizibwa n'akatono omulwadde okugenda eri Abalaguzi abo abeeyita okumanya ebyekweese nti bamubuulire ekimuluma, Era nabwekityo omulwadde takkirizibwa kukakasa balaguzi kyaba amugambye , ol'wokuba nti Bbo bamala googra bitaliiyo, ate ebiseera ebimu bayita Amajinni nebageyambisa ku byebaagala, Sso abo balamulwa nabukafiiri na Bubuze kasita beyita okumanya ebyekweese.

Imam Muslim yayogera mu Kitabo kye (Swahilihi) nti Nabbi (SAW) yagamba nti : “ Omuntu yenna bw'agenda ew'Omulaguzi n'amubuuza kukintu kyonna , Esswala ze Allah tazikkiriza (tazimusasulamu Mpeera) okumala ennaku amakumi ana” .

Era Hadith endala eyibwa ku Abi Hurairah Allah amusiime nga naye yagigya ku Nabbi SAW yagamba: “ Omuntu bwagenda eri Omulaguzi n'amala akakasa byamugambye, aba awakanyizza ebyo ebyassibwa ku Muhammad SAW ”.

Ate Hadith endala eyagyibwa ku Imran bin Huswain Allah Amusiime yagamba nti Omubaka wa Allah yagamba nti : “ Omuntu tabeera wa muffle (tabeera mugoberezi mutufu) oyo akkiririza mu nyota oba gwebagikoledde nagigenderako, oba Oyo alagula oba nebamulagulira, oba aloga oba gwebaba balogeddewo, n'Omuntu bw'agenda eri Omulaguzi n'amala akakasa byamugambye , aba

awakanyizza ebyo ebyassibwa ku Muhammad SAW ". yayogerwa al-bazzar

Okuva mu Hadith zino ez'ekitiibwa tufunamu okuziyiza okugenda eri abalaguzi n'abalogo n'ababafaanana, awamu n'okubaako bye tubabuuza era nezitugaana n'okukkiriza kyebagamba, era tufunamu n'okubekesha okukola ekkyo. N'ekikakata ku bobuyinza nekwaabo abakoziba Daawa abalina obusobozi okuba nti bavumirira ekyokugenda kubalaguzi n'abo ababefaananyiriza , n'okugaana omuntu yenna akikozesa mu butale n'awalala n'okwekesa abo abagenda gyebali . era tekisaana kubayinula/ kubuzabuzibwa nebimu ku bigambo byebogera nebiba nga byamazima oba olw'abantu abangi abagenda gyebali okweraguza, kubanga abantu bano tebalina kyebamanyi ku buyinza bwa Allah era tebateekeddwa kufuulibwa kyakulabirako olw'okuba Omubaka SAW yagaana omusiramu yenna okugenda gyebali n'okubaako kyababuuza oba n'okubakakasa kyebaba bagambye, olwakabi akanene akali mwekyo, nenkomerero embi, kubanga mazima abantu bano balimba ate bonoonefu.

Ate era mu Hadith zino mulimu okukakasa obukafiiri bw'omulaguzi n'omulogo, olwokuba beyita okumanya ebyekwese (so nga ekkyo Allah yakyesigaliza) kale obwo buba bu kafiiri bwennyini. Ate nekirala engeri gyebayitamu okumanya agamu ku mazima geboogera n'okutuukiriza ebigendererwa byabwe bakozesa majinni, nga kwotadde n'okugasinja nga bagagattika ku Allah so nga ekkyo kikolwa kya kuwakanya Allah nakumugattikako, kale n'omuntu aba abakakasizza mu byebeeyita naye aba abafaananye. Nabuli muntu yenna aba afunye ebintu bino nga abijja kwabo ababikozesa. Omubaka SAW yamwegaana nti siwamukibiina kye. Era tekikkirizibwa eri Omusiraamu okubeera nga akozesia byebayita eddagala, nga okulaamiriza kutalaasimu, oba okuyiwa ensimbi zebakozesa okulagula nebyawongo ebirara byebakola ebifaananako nebyo, kubanga ebyo byonna bibarilwa mu kulagula nakubuzabuza bantu, kati oyo aba asiimye enkola eyo abeera abayambye ku bubuze nekubukaafiri bwabwe.

Nga era bwekitakkirizibwa eri Omusiraamu yenna okugenda gyebali okubeebuuzako ani anafumbirwa mu tabaniwe, oba ow'oluganda lwe, oba okubabuuza kw'ebyo ebibeera wakati w'abafumbo ababiri ne mumaka gabwe munsonga zokwagalana, akukuma obwesigwa oba obulabe nenjawukana ebisuubirwa okubaawo, nebirara ebyefananyirizako ebyo, kubanga bino byonna bibalirwa mwebyo ebyekweese ebitamanyiddwa okujjako Allah ow'ekitibwa.

N'eddogo libalirwa mubyaziyizibwa/Haraamu ebikaafuwaza nyinibyo nga Allah owekitibwa bweyagamba bweyali ayogera ku ba Malaika ababiri mu Suulat al-Baqarat :

*(Nti ate tebalina muntu yenna
gwebayigiriza Ddogo okujjako nga
bamugamba nti ffe tuli kikemo, kale
tokafuwala, naye nga abantu babayigako)*

ebyawula wakati w'abafumbo, so nga tewali kyebasobola kukosa nakyo muntu yenna okujjako ngakubadde kukkiriza kwa Allah, era nebayiga ebibakosa nga temuli kabagasa konna, era mazima ddala bakitegeera nti omuntu yenna alikozesa talina kyalinayo kunkomerero kyakumuwonya, era ebyo byeabaaguza emitima gyabwe (ebyokukozesa Eddogo) tewali kibisinga kubeera kibi singa ddala babadde bamanyi)

Etteeka lino likulagira ddala nti eddogo bubeera bukaafiiri bwennyini, nti era n'abalogo kyebakola kwekwawula wakati wabafumbo, era liraga nti eddogo teririna kyerikyusa mukugasa oba okukosa omuntu kulwalyo, wabula kulw'obuyinza bwa Allah bweyagera edda, olwokuba nga Allah y'agera ekirungi n'ekibi. Mazima ddala akabi kanene nnyo eri abantu abo abalimba abo abasikira ILIMU okumanya kuno nga bajija ku ba Mushiriku abagattika ku Allah nebabuzaabuza abantu b'obwongo obunafu. (Inna Lillahi wa Inna Ileih Raj-uuna).

Era Aya eno ey'ekitibwa eraga nti abo abayiga eddogo bayiga bibakosa era ebitabagasa n'akatono, era nti bbo ewa Katonda tebalinaayo mugabo gwonna. Kuno kwewerera kwamaanyi okulaga okufafaaganirwa kw'abo kinsi nekunkomerero, era nti baatunda emyoyo gyabwe n'ebyokufuna omutali, n'olwekyo Allah oweikitibwa yabavumirira kulwekikolwa ekyo nagamba nti

(era ebyo byeabaaguza emitima gyabwe (ebyokukozesa Eddogo) tewali kibisinga kubeera kibi singa ddala babadde bamanyi).

[Bakarat : 102]

Tusaba Allah obulamu n'emirembe n'okuwona akabi k'abalogo n'abalaguzi n'abasamize bona, era tumusaba Allah ow'ekitibwa akuume Abasiramu mu kabi kaabwe (abalogo), era alunghamye abakulembeze b'abasiraamu basobole okubeewala era n'okubalamula n'amateeka ga Allah, kisobozese abaddu ba Allah okuwona obubenje bwabwe obuli mumirimu gyabwe emibi, ye Allah yemugabi ow'ekitibwa.

[Ebyekingirizibwa nabyo eddogo]:

Ye Allah ow'ekitibwa yawa abaddube kyebekeingiriza nakyo obubi bweddogo nga terinnagwawo, ate era nabawa kyebakozesa okwejjanjaba eddogo nga limaze okubeerawo, nga ekyo akikola ol'wokubasaasira n'okubalaga obulungi bwe okuva gyali, nokabajjuliza ebyengerabye byeyabawa.

Bino wammanga kwekunnyonyola ebintu byetwekingiriza nabyo akabi k'eddogo nga terinnagwaawo, n'ebyo ebikozesewa nga eddogo limaze okugwawo ebyo ebikkirizibwa mu mateeka g'Obusiraamu.

Byo ebintu byetwekingiriza nabyo akabi k'eddogo nga terinnagwaawo, ekisinga obulungi n'omugaso mwebyo;

kwekwekuuma nga tukozesa okutendereza (adhikaar) okwa Sharia n'okusaba n'okukozesa okwekingiriza okwo Nabbi kweyatuwa , nga nemwebyo mwemuli:

- Okusoma Aayat al-Qurusi buli luvanyuma lwa Swala ku Swala ettanu ezaalalikibwa nga omaze okusoma (edduwa) Adhikaar ezo ezatuyigirizibwa oluvama lwa Ssalamu.
- Nabwekityo okugisoma nga ogenda okwebaka

Ne Ayat al-Kurusi ye Aaya esinga **obukulu** mu Quran eyekitibwa era nga yeeno:

Allahu la ilaaha illa huwa al-hayyu al-Qayyum, La Ta-akhudhuhu sinatu wala Naum, Lahu maa fi Ssamawaati wa maa fil-Arudhi , man dha-lladhi yashifa-u indahu illa bi-idhinih, ya-alamu ma baina aidiihim wama Khalifahum, wala yuhiituuna bi-shai-e min Ilimihi Illa bima Sha-a, wasi-a kurusiyuhu ssamawaat wal-arudhi, wala ya-uuduhu hifidhuhuma wahuwa-l aliyyu al-adhiim”

[Surat al-Bakarat: 255]

Era mu byetulina okusoma mwemuli n'okusoma essuula zino essatu nga ozisoma mubujjuvu bwazo buli luvannyuma lwa buli Swala ettano:

“Kul huwa Allahu Ahadu” [Surat al-Ikhlas]
“Kul a-udhu birabbil falaq” [Surat al-falaq]
“Kul a-udhu birabbi Nnas” [Surat a-Nnas]

Essula zino kumakya oziddinghana emirundi esatu oluvannyuma lwa Swalat al-Fajir, era nabwekityo akawungezi oluvannyuma lwa swalat al-magaribi.

Era mubyetulina okusoma mwemuli okusoma Aaya ebbiri ezisembayo mu suurat al-Bakarat nga tuzisoma nga obudde buzibye, nazo zezino :

“A'mana Rrasulu bima Unzila lleihi min Rabihi wal-muminuuna kullu A'mana billahi wa malaaiatih wa kutubihi wa Rusulihi la nufarriku baina Ahadi mini Rusulihi wa Qaalu sami-inwa Atwa'ana Gufuranaka Rabbana wa Ilaikal maswiru” okutusiza ddala kunkomerero yaayo [Surat al- Bakarat : 285]

N'Omubaka SAW yagamba nti : “Omuntu bwasoma a-ayat Kurusi mu kiro, Allah asigala amukuuma kulwaayo, era ne Ssitaani tesobola kumuseemberera okutuusiza ddala lwabukeesa ”.

Era mubigambo bye SAW ebituukirivu agamba nti : “Omuntu asoma Aaya ebbiri ezisembayo mu surat al-Baqarat buli kiro, zimumala” amakulu nti: zimumala okumukuuma mubuli kabi.

Era mu bintu byetulina okwekingiriza nabyo mwemuli, okuyitiriza okwekingiriza n'ebigambo bya Allah ebijjuvu mubuli kabi konna akali mu bintu byeyakola. Nga bino obisoma ekiro nemisana, nabuli wonna wooba owummulidde kamubeere mu muzimbo oba mu Ddungu oba mu bbanga oba mu Nyanja , olwekigambo kya Nabbi SAW “Omuntu

bwatuka mu kifo kyonna nagamba nti: nekingiriza n'ebigambo bya Allah ebijjuvu mu kabi konna keyakola, taba nakintu kyonna kimukosa okutusa nga avudde mukifo ekyo".

Era mubyo mwemuli Omusiraamu okugamba buli kumakya nabuli lwaggulo nti:

(Bisimi Llahi Alladhi la yadhurru ma-a isimihi shai-u fil arudhi wala fi Ssama-e wahuwa ssami-u al-aliimu)

Amakulu nti : Nsoose okwoogere ku linnya lya Allah, oyo awataba kukosebwa kumuntu aba akozesezza erinya lye munsi wadde mu ggulu, era nga YYe awulira era amanyi buli kintu.

Ekyo tulina okukikola bwetutyo olwokuba omubaka SAW yakinukuutira, era nti eyo ebeera nsonga ey'okuwona akabi konna. Era edduwa zino n'okwekingiriza kuno zensonga ezisinga obunene ezokwekingiriza akabi keddogo n'ebizibu ebirara kw'oyo aba azeekumiddeko nga azikakasa era nga azikkiririzamu n'okwesiga Allah n'okumwesigamira nga n'omutima gwe mwanjulukufu kwekyo kyaba azisomeddeko. Ate era edduwa zino kyakulwanyisa kyamanyi mukulwanyisa eddogo n'okulimalawo bweriba libaddewo, nga kwotadde n'okwewombeka ewa Allah n'okumusaba okubikkula ensobi n'okumalawo akabi.

Era ne mudduwa ezo ezakakasibwa okuva ku Nabbi SAW mukujjanjaba endwadde, nga eddogo n'ebirara- era nga n'omubaka yalinga azijjanjabisa abantu be – yalinga agamba nti:

'Allahumma rabbi nnas adhi-hibul baas, wa shifi anta Shafi, la shifa-a illa shifaauka. Shifa-an la yugaadir sakaman" x3

Amakulu nti: Ayi Allah Omulezi w'abantu, malawo akabi kano akanguddeko, era owonye kubanga gwe awonya, tewali kuwona okutali kukwo, wonya oluwonya olutalekaawo ndwadde yonna.

Bino abyogera emirundi esatu.

Era ne mudduwa ezo: mwemuli RUQUYA eya Malaika Jibliiru gyeyajjanjabisanga Nnabbi SAW nga nayo yeeno:

"Bisimi llahi ur-qiiqa min kulli shai-e yu-udhika wamin shari kulli nafsi awu Aini haasidi Allahu yushifiika Bisimi Llahi ur-qiiqa"

Amakulu nti: Mulinya lya Allah nkujjanjaba mu buli kyonna ekikukosa, nabuli kabi akava mu mitima emibi oba amaaso agensaalwa, Allah akuwonye mu linya lya Allah nkujjanjaba. **X3**

Ne munzijjanjaba y'eddogo nga limaze okukwaata ate nga yamugaso nnyo ku musaja aba alogedwa obutasobola kutuukiriza nsonga za bufumbo: Afunayo obukoola musanvu okuva ku muti ogwa SIDIRI obukyali obwa kiragala nabusekula nabuteeka mu kyombo kyonna nayuwamu amazzi agamala okunaaba, bwamala nasomeramu Ayat al-Qursi ne (**Kul ya ayyuhal Kafiruuna**) ne "**Kul huwa Allahu Ahadu**" ne "**Kul a-udhu birabbil falaq**" ne "**Kul a-udhu birabbi Nnas**" ne Ayyat eziwonya eddogo eziri mu surat Araaf nga zezino:

"Wa awuhaina ila Musa ani aliqi aswaq, fa idha hiya tal-kafu ma ya-afikuuna, fawaqa-a al-haqqu

**wabatwala ma kaanu ya-amaluuna, fagulibu
hunaalika wan-qalabu swagiriina ”**(Araafu: 117-119)

Ne A-ayaat eziri mu surat Yunusu nga zezino :

**“Waqaala fir-aunu i-tuuni bikulli saahir Aliim,
falamma ja-a ssaharatu qaala lahum musa al=qu maa
antum mulquun, falamma al-qau qaala Musa ma Ji-
etum bihi ssihiru Inna llah sayubutwiluhu , Inna
llaha la yusilihu amalal mufusidiina, wa yuhiqqu
llahul Haqqa bi Kalimaatihi walau Karihal
Mujirimuuna”.** Surat Yunusu : (79-82)

Ne A-ayaat eziri mu surat Twaha:

**“Qaalu ya Musa Imma, an tul-qiya wa Imma An
nakuuna awwal man alqa, Qaala bal alqu, fa idha
Hibaaluhumu waiswiyyuhimu yukhayyalu Ilaihi mini
sihirihim annaha tas-aa, fa awujasa fi nafsihi
Khifata Musa Qulna la takhaf Innaka Antal A-ala.
Wa alqi ma fii yamiinika tal-qaf ma Swana-u Innama
Swana-u kaida Saahir, wala Yufulihu Ssahiru Haithu
Ata”.** Surat Twaha : (65-69)

Oluvanyuma lw'okusomera ebyo ebyogedwa waggulu mumazzi, anywaako emirundi esatu n'anaaba agasigaddewo, olukola ebyo obulwadde bugwawo ku lwokwagala kwa Allah. Ate era bwewabaawo obwetaavu okuddinghana ekikolwa kino emirundi ebiri oba n'okusingawo kikole bwotyo tekirina kabi, okutuusa obulwadde lwebugwawo.

Era nate engeri endala eyokujjanjaba eddogo, ete nga yenzijanjaba ekyasinze okubeera ennungi, kwekunyikira okumanya ekifo omuli eddogo, kulibeere nga libadde muttaka oba kulusozi oba awalala, kale ekifo bwekimanyika eddogo nerijjbwamu neryonoonebwa olwo eddogo lifa.

Ebyo byebisobose okunnyonyolwa mu bintu ebyekingirizibwa nabyo eddogo oba okwejjanjabisa nabyo. Allah yenannyini kulunghamya.

Naye okujjanjaba eddogo nga okozesa enkola y'abalogeo eyo gyebakozesa nga bewombeekera Amajinni nga bagasalira ebisolo oba ekintu ekirala mwebyo ebibasembeza gyegali, ebyo tebikkirizibwa, olw'okuba nga eyo nkola ya Ssitaani, era Kugattika ku Allah (Shiriki e Nnene) Kale ekitukakatako kwewala nkola eno.

Era nabwekyo tekikkirizibwa kujjanjaba ddogo nga tuyita mukubuuza balaguzi n'okukozesa byebaba bagambye, olwokubanga bbo sibakkiriza ate era balimba boonoonefu befuula abamanyi ebyekweese nebabuzabuza abantu. Omubaka SAW yeekesa abantu okugenda gyebali n'okubabuuza n'okubakakasa kyebaba bagambye nga era bwetwayogedde ku ntandika.

Omubaka SAW yabuzibwa ku kujjanjaba eddogo nga okozesa eddogo nagamba nti “**Eyo nkola ya Ssitani**” (yayogerwa Imam Ahmad ne Abi Dawuda) Era ekigambo (Nushirat) kitegeeza okusaba omulogo asumulule eddogo nga bwekyalinga kikolebwa nga

Obusiraamu tebunnajja, oba okusumulula eddogo nga okozesa ddogo linnalyo.

Naye okusumulula eddogo nga okozesa (RUQUYA) okusomerera nokwekkingiriza okwa sharia (okuli mumateka g'Obusiraamu) nokukozesa eddagala erikkirizibwa ebyo tebirina kabi okubikozesa. Era ne Imam Ibun Qayyim ne Sheikh Abdurahman bin Hassan mukitabo kye [Fathul- Mageed] nabamanyi abalala, bakyogerako nga bwekkirizibwa.

Allah tumusaba alunghamye Abasiraamu bawone buli kibi, era abakuumire eddini yaabwe, era abagabirire okugimanya, n'okuwona buli ekyawukana n'eddini ya Allah. Tumusaba Allah Asse okusaasira kwe n'emirembe ku muddu we era omubakawe Muhammad awamu n'abantu benjuuye n'abagoberezi be.